


Kiki ekinabaawo singa nondawo akaweta ate nenjogera nti sikakozesa?

Tewali kibonerezo kijja kubawo olw'okuzza amawulire amatuufu mu kukozeza akaweta, neb'otubulira nti walina obuzibu oba wasalawo obutakozesa kaweta ekiseera kyonna. Ekibinja kyabakozi mu HOPE webali okukuyamba okuvunuka obuzibu bw'okukozesa akaweta, singa ebanga y'enkola ey'okuziyiza akawuka kamukenenya gy'olonzewo, oba okukuyamba okukyusa enkola ey'okuziyiza akawuka kamukenenya, singa olowooza nti enkola endala egyija kukola okusingawo.

Kukebera ki kwemuja okukola okukebera oba akaweta kakozeseddwa bulungiera ebivamu bino bitegeeza ki?

Tujja kujjako ebintu bya mirundi mingi okupima oba wakozesa nga bw'olagiddwa era n'okutegeera obulungi akaweta engeri gy'ekakolamu, ng'otwalidemu n'obuweta obukozeseddwa, omusaayi, enviiri era n'amazzi g'omubukyala nga basonsekyo ka pamba. Singa olondako akaweta, tujja kukubulira ebiva mu kukeberewa okutunulira obungi bw'eddagala ery'okunoonyereza (dapivirine) eryava mu kaweta. Ekigendererwa ky'okukunganya amawulire gano si butakakasa by'otubulira kunkozesa yo ey'akaweta oba okubonereza abatakozesa bulungi nga bwebalagiddwa. Ekigendererwa kyaffe okubulira ebivuddemu kwe kukuwa ekifananyi kubukuumi bwenkanaki obw'obutafuna kawuka kamukenenya bw'oyinza okuba ng'ofuna okuva mu kaweta. Ngatulina ebivudde mukukeberewa, ojja kusobola okwongera okukola okusalawo ng'otegedde ku ngeri esinga ey'okweziyizamu akawuka kamukenenya.



Lwaki kyamugaso gyendi okuzza amawulire amatuufu ku nkozesa yange eyakaweta?

Awatali kuzza amawulire amatuufu ku ngeri gy'okozesa mu akaweta nga bwolagiddwa, kizibu okutegeera obukuumi obutufu obuva mu kaweta

n'ebizibu munkozesa ebiyinza okubaawo. Newankubadde tusobola okukebera ebigibwaako era netufuna okugeregeranya ku nkozesa yakaweta ngabwologiddwa, amawulire agasinga omugaso getusobola okufuna ku kukozeza akaweta gava mu banakyewa benyinyi. By'oyisemu ng'okozesa akaweta bigya kutuwa amawulire ag'omugaso ag'okutongooza akaweta mu bantu gyebugya.

Singa siwulira bulungi okwogera ku nkozesa yange ey'akaweta n'omukozi w'okunoonyereza?

Mu ASPIRE, abakyala bonna tebawuliranga bulungi okubulira abakozi mukunoonyereza bwebaatasobolanga kukozeza kaweta. Tusubira nti okujawo eky'okweralikirira okubonerezebwa kijja kukuyamba okuwulira obulungi okuzza amawulire amatuufu kunkola ez'okuziyiza akawuka kamukenenya z'osinga okwagala nebyoyiseemu nga okozesa akaweta eri omukozi mu kunoonyereza. Ekibinja kyabakozi mu HOPE webaali okuyamba okuteeka munkola enkola ez'okuziyiza akawuka kamukenenya z'olondako, era nabasawo baffe ababudabudda ne ba nansi bafuna okwongera okutendekebwa okukuyamba okuwulira nga owagirwa mu buli kusalawo kwona kwokola.





OKUZA AMAWULIRE AMATUUFU NE HOPE

Singa olina ebibuuzo oba wetaaga amawulire agasingawo, mwattu kyalira kiliniika yo kunoonyereza:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044

